# Gavumenti ewadde amasomero ebiragiro ku Ebola

Bya KIZITO MUSOKE

MINISITULE y'ebyobulamu efulumizza ebiragiro ebipya ebirina okugobererwa amasomero n'amatendekero aga waggulu ng'abayizi baddamu okusoma mu kaweefube w'okutangira obulwadde bwa Ebola okusaasaana.

Ekiwandiiko ekyafulumiziddwa minisitule kyategeezezza nti ebiragiro bikwata ku bifo byonna ebisomesa abayizi.

- Buli ssomero liragiddwa okuteekawo ebifo abayizi mwe banaabira mu ngalo ne ssabbuuni nga bayingira mu bibiina, mu bisulo, kaabuyonjo ne ofiisi.
- Okunaaba mu ngalo kulina okuba okw'obuwaze eri abayizi bonna, abakozi n'abagenyi nga bayingira nga kino kirina okukolebwa buli luvannyuma lw'ekiseera ekigere.
- Okuteekawo ebifo mwe beekebejjera ebbugumu ku miryango, era gwe beekengedde, aleme kuyingira era bamwawule abeere yekka olwo bategeeze abeebyobulamu.
- Emmotoka ezitambuza abayizi zirina okusimuulwa obulungi nga beeyambisa eddagala eritta obuwuka era bwe wabaawo omuyizi oba omukozi omulwadde, tebalina kumutambuza.
- Okulongoosa n'okweyambisa eddagala eritta obuwuka mu kaabuyonjo n'ebinaabiro, mu bifo omuliirwa emmere, emmotoka z'essomero n'ebifo ebirala bye batera okukwatirira.
- Okutereka obubi mu bifo ebisaanidde, okwewala okwekwata mu ngalo, obuteegwa mu bifuba, obutagabana bikozesebwa, okuteeka obumooli mu bisulo n'okuggulawo enzigi n'amadirisa we kyetaagisizza.
- Abaddukanya amasomero balagiddwa okuteekawo ebifo eby'enjawulo we bakuumira abantu be bateebereza okuba n'obulwadde.
- Okubeera n'ennamba z'amalwaliro agabali okumpi.
- Okusomesa abayizi n'abakozi ebikwata ku bulwadde.
- Abayizi tebalina kubeera nnyo mu nkung'aana okuggyako nga kyetaagisa nnyo.
- Abasomesa nabo balagiddwa okwetegereza embeera z'abayizi n'eriiso ejjoji bakakase nga bali mu mbeera nnungi nga banaaba mu ngalo era nga tebagabana bintu era nga tebeeriraana nnyo.
- Abayizi balina okunaaba mu ngalo buli kadde n'amazzi ate beewale okuliraanagana ennyo.
- Abazadde n'abalabirira abaana balagiddwa okukuumira awaka abateeberezebwa okuba n'obulwadde.
- Okutwala abayizi be basuubira okuba n'obulwadde mu malwaliro.
- Abaddukanya wooteeri n'ebirabo by'emmere balagiddwa okukakasa nga bakolera mu bifo ebiyonjo, okuteekawo ebyeyambisibwa okunaaba mu ngalo ku miryango, okweyambisa eddagala eritta obuwuka , n'okwewala abantu abangi ennyo okukung'aanira mu kifo ekimu.



Minisita w'ebyobulamu, Jane Ruth Aceng.

### OBULWADDE BWA EBOLA

Obulwadde bwa Ebola bwa mutawaana kuba butta nga busaasaana ssinga okwata ku muntu abulina n'akukoonako omusaayi, oba amazzi agava mu mubiri nga obubi, amalusu, entuuyo, amata agava mu mabeere, omusulo, oba amazzi agava mu bukyala mu nsonga z'omukwano. N'okukwata ku nsolo erina obulwadde buno oba ekintu ekigivaako, nakyo kirwaza.

### OBUBONERO KW'OLABIRA OMULWADDE WA EBOLA

Okusesema, ekiddukano, okulumwa omutwe ogw'amaanyi, okukolola, okusiiyibwa olususu, amaaso okumyuka, omusujja, okulumwa mu kifuba, okuvaamu omusaayi mu bitundu eby'enjawulo,

Minisitule egamba nti, ssinga omuyizi, omusomesa oba omukozi ku ssomero ajja ng'alina obubonero obwo waggulu, abeera alina okwawulibwa ne bategeeza abeebyobulamu abali okumpi.